**05th July 2015.**

# EKIKUMANYISA EKYO KY'OLINA OKUMANYA.

**Yokaana 9.**

Nga bwe gwalinga mu buweereza bwe, Mukama waffe Yesu Kristo, yakolanga ebyamagero okusisinkana obweetaavu bw’abantu, era n’okusinziirako okubuulira amazima g’okubikkulirwa kwe eri abantu, era n’ebyamagero ebyo nga Yokaana bw’abiyita bwaali bubonero okkakasa nti ddala yali Kristo, Masiya ensi gwe yalindiriranga okuba eky’okuddamu eri buli omu mu bweetaavu bwonna, n’okusingira ddala okumalamu ekibi n’okufa, oba okuzikirira amaanyi.
Na bwekityo okuzibula kw’amaaso g’omusajja eyazaalibwa nga muzibe kyaali kimu ku bisuubizo by’ebyo omulokozi Masiya bye yali ow’okkola nga nabbi Isaaya bwe yalanga mu 29:18,19 Yesu kwe yasinziira okuddamu Yokaana omubatiza mu Matt. 11:5 nti “Era ku lunaku luli omuggavu w'amatu aliwulira ebigambo by'omuzingo, n'amaaso g'omuzibe galiraba okuva mu butalaba ne mu kizikiza. Era abawombeefu balyeyongera okusanyukira Mukama, n'abaavu mu bantu balisanyukira Omutukuvu owa Isiraeri.”
Ekyamagero kino Yesu kwe yasinziira okusomesa mu bufunze ku buzibe bw’amaaso g’omwooyo mu nny. 39 – 41, awamu ne ku busumba obutuufu n’obutali mu ssuula 10.

Mu ssuula eno olw’okuba nsanzeemu obweetaavu bw’okumanya ebyo ebyaali byetaagibwa okumanya bingi, era nga njagala olw’ekiseera ekigere kye tulina okusomesebwa mu njiri eno okubikkulirwa ku Yesu Kristo ng’omwana wa Katonda ng’essira, nkitwaala nti Omwooyo ayagala ottumanyisa ekyo kye tulina okumanya mu bulamu buno nti tukifuna mu kuzibula kw’amaaso gaffe okulaba Yesu Kristo ddala kyaali ne tumukkiririzaamu ne tumusinza nga bwe kitugwaanidde. Kye tulaba mu mitendero omusajja eyawonyezebwa gye yamannyaamu Yesu Kristo.

*Tusome……nny.1 – 12………*
Yamumanya ng’omusajja ayitibwa Yesu.
Yesu bwe yemulula ku baali baagala okumutta, teyadduka mbiro…….

Ensibuko y'obubi oba obukyaamu bwonna ky'ekibi, naye ate ssi y'ensonga y'abyo byonna nga bwe tulaba mu Yobu 2; II Kkol.12; Gal. 4:13…….
Engeri gye yawonyaamu omusajja….. amalusu, ettaka, oggenda okunaaba ku ssabbiiti……

Yamumanya nga Nnabbi……….nny. 13 - 23.

Yamumanya ng'omusajja wa Katonda……… nny. 24 – 34.

Yamumanya ng'Omwana wa Katonda,…….. nny 35 – 41.

Mu Yok.8:12 ne Yok. 9:5 Yesu yeyanjudde ng'ekitangaala ky'ensi.
Abantu abatasobola kulaba b'ebo abazibe b'amaaso, awamu n'abo abagaana okulaba, ne batamulaba. Nga bwe twaalaba mu ssuula ey'omunaana ekyo kibaggalira mu busibe bw'obuzibe bw'abwe eri okumanya, eri eddembe, n'eri obwa Katonda bwonna.
Ekitulagirwa ng'omusajja eyali omuzibe w'amaaso bwe yazibuka amaaso g'omubiri awamu n'omutima yasobola okusomooza abakulembeze b'eddiini mu Isiraeri abaali bamukemekkereza.

Ekikileetera wano mu njiri we tugituuse kwe kuba nti bye twaakamanya ku Yesu Kristo z'ensibuko oba ensobozesa z'ebyo bye tugenda okwongera okwolesebwa ku Yye, nti bwe bitusubwa waliwo ekinaaba tekiteredde mu kutegeera kwaffe kw'ebyo ebirala, kabe kasinge tunaaba tulemererwa okuyingizibwa mu kisenge mwe tulina okutabagana naye obulungi mu kw'olesebwa kwe gye tuli.